AKIMANYI ANYAMBE!!!!!!!!!

Posted by fikema - 2008/07/16 09:31

Balungi banange mwena akyakuuma?Kansubiile nti mwena mukyali Best.Nafe eno Lugaba abadde akayakuma

mpozi wabaddewo ensonga ekyanemye okutegera era nga mbadde nsaba buyambi kuva gyemuli.

Ensonga eri nti,Muby'obuwangwa bya Buganda Kizibwe wo tokilizibwa kumukwata KISEEKE bwaba nga mukazi

nga gwe oli musajja era no mukazi naye bwatyo.

Era bwenzijukilaamu edda bwetwabanga mu nyimbe nga abatusingako tebakiliiza tulinanaganye nsisira.Nasigala nebuuza era naguuno gwaaka nkyakyebuza lwaki mu Baganda kiziila.

Wano we mbadde nkubiila omulanga guno amanyi ensonga anyambe anyinyonyoole kuba mbuliddwa antangaza .Nasanyuuka nnyo bwewanabaawo omuzila kiisa anabaako kyantangaza ku nsonga eno.

Abankumiire mwena.

==========

Re:AKIMANYI ANYAMBE!!!!!!!!!

Posted by kapakiti - 2008/07/16 12:04

Sifangayo kubuuza kintu ekyo wabula nateebereza buteebereza nange ne nkitwalira awo. Bw'ogenda okwekkeneenya ennyo ojja kwesanga nga kizibwe wo ye muntu akulinako akakwate akatono. Era nga abeera wa kika kirara olwokuba temweddira muziro gumu. wano nsuubira nti kyandikubeeredde kyangu okumuggyamu ekyeso awatali kwekeka nti wa lulyo lwo. Oluusi wesanga nga era tewatera kubaawo age gap yamanyi kuba mwana wa sengaawo. Abaganda okwewala okugezaako mmwe okwenyonyogera singa musisinkana mu kafunda kwe kugamba nti kizira okumukwata mu kiseke kuba baakimanya nti mukiseke mulimu engeri yobusimu obuyinza okuzaala akabasa singa okikwatamu.

Bwemba mukyamu nange mwongere okutuwabula.

==========

Re:AKIMANYI ANYAMBE!!!!!!!!!

Posted by Mukwenda - 2008/07/16 14:23

Kapakati nze ndowooza oli mutuufu nnyo!

Mpozi omuntu yenna ayinza okubuuza nti kizibwe y'ani? Kizibwe ye 'kkazini' oba 'cousin' Kituufu mu mawanga amala, ba 'kkazini' bewasa, naye si mu Buganda.

==========

Re:AKIMANYI ANYAMBE!!!!!!!!!

Posted by Astartois - 2008/07/16 20:47

Marriage of first cousins is not allowed firstly because of the close blood tie, and may cause problems for any children born to such a close union.

Apart from Asians am yet to hear about an african tribe that promotes cousin marriages.

==========

Re:AKIMANYI ANYAMBE!!!!!!!!!

Posted by prettyd - 2008/07/16 21:28

---

kapakiti mutuufu.Baagendereranga kwewala kuleka abaana bano kugenda wala.anti bwebava mukwekwata mukiseke oyinza okwesanga nga beekute newalala gamba nga mukiwato ko nawalala olwo nga olowooza ki ekiddako?

Akuume bannabattu!

==========